**07th May 2017.**

## OKWOLESEBWA MU KIROOTO KYA DANYERI KU BUFUZI BW'AMAWANGA. II.

**Danyeri 7:15-28.**

*[Olugero lubuulirwa ku musomesa w'abaana abato mu nursery/kindergarten eyali yeetegereza abaana abato mu kibiina kye, bye baali bakola ng'abawadde okkuba ebifaananyi. Mu kusemberera omuwala omuto omu gwe yalaba afuba ennyo ku bye yali akuba, yamubuuza kki kye yali akuba. Ko omuwala nti nkuba kifaananyi kya Katonda. Omusomesa kwe kumuddamu nti 'naye tewali amanyi Katonda bwaafaanana!' Era nga n'okweyongerayo yeeyongerayo mumaaso ne by'akuba, omuwala yaddamu nti 'baggya kulaba mu ddatiika ng'emu'.]………..*

Mu kweyongerayo kwaffe mu ssuula ey'omusanvu ku mulamwa gw' OKWOLESEBWA MU KIROOTO KYA DANYERI KU BUFUZI BW'AMAWANGA. Leero nga tusomesebwa ku makulu g'ekirooto nga bwe twaaleka tusuubizibbwa, nsaba nti Mukama kkennyini y'anaatusiigira ekifaanani ky'okwolesebwa kwe gyetuli, tweyongere ommumanya n'okumukkiririzaamu, tutambuzibwe mu kwagala kwe emirembe gyonna, nga bwe buli obusika bwaffe abalonde okuba abatuukirivu be. [ Mu linnya lya Yesu Kristo….Amiina]

*Tusome nny.15-28……..*

Mu kweetegereza, tulaba ng'ekirooto kino n'amakulu g'akyo by'aleetera Danyeri okutawaanyizibwa mu mutima, n'afuna n'okweeraliikirira n'okunakuwalamu. Nga bwe tubuulirwa mu lnny.15 ne 28. Naye ate kino kye tunaalaba emirundi egiddako egiwerako nga Danyeri ayolesebwa, nga mu ssuula 8, 9, 10, 12, nti okwolesebwa tekuba bubeezi kumanyisibwa, kyokka amaanyi ga Mukama mu kkwo bireetera entiisa y'ekitiibwa kye eri kwe kuggira, okwewuniikiriza n'okutya nga bitabule, gye bali. Tukirabye emirundi gye kyaali eri Nebukadduneeza mu ssuula ze twaalaba, 2 ne 4. Ate ng'era bwe gwaali eri Falaawo e Misiri.
Kyokka nga bwe twaabuulirwa nti obunnabbi buweebwa tusobole okutunuulira ebyafaayo n'addala n'ebyo eby'omumirembe gyaffe mu ndaba ya Mukama Katonda. Mw'ekyo ffenna ng'abantu tulowooze era tweeyise nga Mukama bw'atwagaza, kubanga Y'asalawo ebiriggya mu maaso n'abyolesa eri abantu.

Era wadde ng'ebyayolesebwa eri Danyeri mwaalimu okubonaabonyezebwa kw'abantu be gye buliggya ekyandimunakuwazza, kyokka obuyinza ku buli kimu bukakasibwa okuba mu mikono gya Mukama era n'obuwanguzi gye bali busuubizibwa mu bukakafu.

Era mu kunnyonnyolwa amakulu g'ekirooto, tulaba nga Danyeri yatuukirira oyo asuubirwa okuba malaika wa Mukama, n'amunnyonyola amakulu gaakyo, lnny16.

Nga bwe twannyonnyolwa mu kitundu ekisooka mu mulamwa guno, ensolo ennya ng'olnny.17 bwe lugamba, "be bakabaka abana abalisibuka mu nsi"; Twaabuulirwa nti Empologoma bwe bwaali Obw'Abababulooni, Eddubu ne buba Obw'Abameedi n'Abaperusi, Engo ne buba Obw'Abayonaani, N'eyasembayo ey'entiisa ennyo etaategeerekeka kika nga bwe bw'Abaruumi.

Eno ey'okuna kwe yasinga okweetaaga okunnyonnyolwa nga bwe tubuulirwa mu nny19 n'okweyongerayo nti……….22.
Era 23…….27.
Era nga bwe guli, nti gye buggya, obufuzi obusibuka mu bwakabaka bw'Abaruumi bulibaawo nga bulina bakabaka 10, okuliva abasatu abaliwangulwa omu oyo, aly'egulumiza ku bakabaka abalala bonna mu nsi yonna, era awaganyale nnyo ne ku Mukama Katonda n'obwakabaka bwe, avvoole erinnya lye, atuntuze abatuukirivu abalibaawo mu biseera by'enkomerero okumala emyaka esatu n'ekitundu, naye ng'alisalirwa omusango ne gumusinga, era ng'olnny. 22 bwe lwagambye nti Ow'edda n'Edda asala omusango, abatukuvu b'Oyo Ali Waggulu Ennyo ne bagusinga, era n'ekiseera ne kituuka ne baweebwa obwakabaka.

N'olw'ekyo, ffenna tube bagumu, nti Obwakabaka bwa Mukama bwe bw'olubeerera ku bwakabaka bwonna, ng'ebyafaayo bwe bizze bitulaga mu kutuukirizibwa kw'ekirooto kya Danyeri. Era nti wadde wabaawo okubonaabonyezebwa kw'abatuukirivu ba Mukama, mu kkwo muvaamu obuwanguzi obumuleetera ekitiibwa n'ettendo mu kutuukirizibwa kw'okwagala kwe nga bwayagala, era bwalanga mu bunnabbi bwonna bwatwoolesa mu byawandiikibwa. Erinnya lye ligulumizibwenga emirembe n'emirembe.
Nga bwe kiri mu ssaala Yesu Kristo gye yatuyigiririzaamu okusabanga nti… [*Tusituke*] Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya lyo litukuzibwe,……............, Amiina.